| Essomo 1 | الدرس الأول |
| --- | --- |

# AMATEEKA G'OKWETUKUZA:

## Okwetukuza ne nagisi (byebiriwa?)

**Ennagisi:** Ennagisi ky'ekyo ekizuuse ekikakata ku muntu Omusiraamu okukyetukuzaako nga anaaba ekyo ekiba kimuguddeko okukyejjako. Era kikakata okwoza okunaaza n'olugoye wamu n'omubiri singa biba bituukiddwako enagisi okutuusa lwebiggwawo oba lwebiggwako ku mubiri. Singa ennagisi eyo ebeera erabwako nga omusaayi gwa (Hidwi) ogwomukyala ali mu nsonga zabuli mwezi songa singa guba gunaziddwawo newasigalawo obuufu bwagwo wegubadde, obuufu obwo tebuba namutawaana, ate bw'eba ennagisi tosobola kugilaba na maaso eyo yyo eyozebwa bwozebwa negwawo nebweguba omulundi gumu. Wabula ate kyo ekifo wansi kuttaka watukuzibwa singa wagenzeewo ennagisi nga tuyiwawo buyiyi mazzi. Era okwetukuza oba okutukuza ekintu kyonna tukozesa amazzi mukujjawo ennagisi, gamba nga amazzi g'enkuba oba amazzi g'enyanja oba amalala nga era bwe kikkirizibwa okukozesa amazzi agakozeseddwako, ebbanga lyegamala nga tegakyuse. Era kyekimu n'amazzi agetabuddemu ekintu ekitukuvu negasigala kumbeera yaago nekitagakyusa kuva mumbeera ya mazzi. Wabula singa getabikamu ekintu ekitukuvu nekigakyusa negava mumbeera yago nga amazzi, ago tekikkirizibwa kugakozesa mukwetukuza era tekikkirizibwa kukozesa mazzi geetabise nakintu kyonna ekimanyiddwa nti nagisi.
Ennagisi eyo oba ekintu ekyo singa kiba kikyusizza empooma yaago, oba empunya yaago oba ebbala lyago, wabula bino byonna bwewatabaawo kikyuse mubyo ago gaba gakkirizibwa okwetukuza nago ku kisinga obutuufu mu bigambo by'abamanyi. Era nga bwekikkirizibwa okwetukuza n'amazzi aganywereddwako ekintu kyonna negasigalamu, okujjako ago agaba ganywereddwako embwa oba embizzi ago tegeetukuzibwa nago kuba bino bibalibwa mu nagisi byombi.